# *ABAEBBULANIYA,*
# *ESSUULA EY'OKUBIRI* [1]

. . .?. . .badde wano mu kibiina era twanyumiddwa o. . .[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Era kati, twakizudde, manyanga tukkiriza, nti Ekitabo ekisooka eky'Abaebbulaniya kyawandiikibwa Pawulo. Abaasomerera eby'eddiini kyabasobera; tebamanyi ani ddala, eyakiwandiika. Naye, nzikiriza nti, omuntu yenna alinamu akasobola okwawula ebintu by'omwoyo asobola okukiraba nti Pawulo ye yakiwandiika. Ki—kikkirizibwa, abawandiisi abasinga obungi, okuba nti kyawandiikibwa Pawulo. Ate n'engeri gye ya . . .

2 Mu ssuula esooka twalabye nti yali egulumiza Mukama waffe Yesu. Ha, engeri gye yalambululira ddala, n'alaga okuyita mu—mu ekyo ekyali kyamutuukako bwe yali mu lugendo nga agenda e Damasiko. Kati, Pawulo, okusooka kwa byonna, yali musajja eyali yasoma era n'akugukira ddala mu by'eddiini. Pawulo yali yayigirizibwa Gamalyeri, omu ku bayigiriza abaali basingayo obulungi mu biseera ebyo. Era yali mukenkufu era nga mugezi, era nga muyizi wa Bayibuli eyagikugukiramu ddala.

3 Era nnakizuula nti, bwe yali mu lugendo nga agenda e Damasiko, nga alina amabaluwa mu nsawo ye, agamuwa olukusa okukwata abo bonna abaali mu kkubo ly'Enjiri ey'edda ey'omukisa, ate mu butuufu omusajja yali mwesimbu. Naye, lubeerera mbaddenga nzikiriza nti okuva Pawulo lwe yalaba Suteefano nga attibwa, muli ndowooza nga kirina engeri gye kyamuleetera okulumirizibwa. Bwe yawagira okuttibwa kwa Suteefano, n'akwata n'engoye z'abo abaamukuba amayinja, awo Pawulo yalina omusango gw'okuyiwa omusaayi gwa Suteefano. Era yakyatula naye kennyini, n'agamba nti, "Nze n'okusaanira sisaanidde," n'agamba nti, "kubanga nnayiwa omusaayi gw'omujulizi We—We, Suteefano." Kubanga, yaliwo nga attibwa.

4 Ate bw'obeerawo n'olaba ekintu kyonna nga kikolebwa, naawe guba gukusinga mu ngeri y'emu nga akyetabyemu. N'olwekyo bwe tubaako ne kye tulaba nga kikolebwa, n'ogamba nti, "Ddala, kituufu, ekintu *kino-na-kiri* teyandibikoze," weegendereze by'oyogera, kubanga osingisibwa omusango okusinziira ku ngeri gy'olamulamu ensonga eyo. Bw'oba tosobola kusalawo, tobaako kintu kyonna ky'oyogera, kireke bulesi. N'olwekyo bw'ojulira nti oli Mukristaayo, kikukakatako okukyolesa. Okiraba? Kikukakatako okubeera Omukristaayo, era bw'otyo bw'olina okweyisa. Ne Katonda bw'akola e—

ekisuubizo mu Bayibuli . . . Ndaba omusajja wano ali mu kagaali k'abalema. Katonda bw'abaako ekisuubizo ky'akola, ekisuubizo ekyo kiba kimukakatako okutuusa nga akituukirizza. Ye, Katonda avunaanibwa ku kisuubizo ky'aba akoze. Era n'Ebyawandikiibwa bivunaanibwa okutuusa nga bituukiridde. Mukiraba? Bibaawo—Bibaawo nga—nga obujulizi Katonda bwe yakola. Era Biteekwa okutuukirizibwa bwe bitatuukirizibwa Katonda aba avunaanibwa. Mukiraba?

5 Kale kati Pawulo, eyali omuyigiriza, ku olwo yali mu lugendo nga agenda Damasiko, ndowooza, nga mu ttuntu, awo bwe watyo. Ne wabaawo Ekitangaala ekyayaka nga kiva mu Ggulu, ne Kimuziba amaaso, era na—n'agwa wansi. Era agamba nti yabuuza okumanya yali ani Oyo. N'agamba nti Eddoboozi ne limwanukula, ne ligamba nti, "Sawulo, Sawulo, lwaki onjigganya?" Nzikiriza kiri mu ssuula ey'o 8 ey'ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.

N'agamba nti, "Ggwe Ani gwe njigganya?"

6 Eddoboozi ne liddamu ne limwanukula, ne ligamba nti, "Nze Yesu." Ha! "Nze Yesu, era kizibu ggwe okusamba ku miwunda." Era Yesu yali kiki awo? Yesu, Yali Kitangaala, Ekitangaala ekinene ekyaka ennyo.

7 Kati okusobola okwezzaamu amaanyi n'okufuna omusingi kwe tuzimbira. Yabeera atya Ekitangaala, nga ate Yali Muntu? Kati, tewali n'omu . . .

Waaliwo ekibinja ky'abasirikale abaali ne Pawulo, abakuumi ba yeekaalu, abaali bagenda okukwata abakkiriza. Pawulo ye yali omusaale waabwe. Era baali bagenda okukwata abantu abo, olw'enkuŋŋaana ze baali bakola n'ebirala, n'olw'essuubi ly'enzikiriza yaabwe gye baalina.

8 Naye, kati, wano tulaba Yesu nga Ekitangaala ekinene. Kati, bwe muba musobola okujjukira, ku lubereberye, Yesu yali Kitangaala. Yesu ye yali Logos eyava mu Katonda. Era Ye yali . . . Ye yali Malayika ow'Endagaano eyakulembera abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu. Era Ye yali Empagi y'Omuliro gye baatunuuliranga. Era Yali . . . Era bwe Yali wano ku nsi, Yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era Nzirayo eri Katonda." N'olwekyo bw'Aba yava mu kubeera Empagi y'Omuliro, n'afuuka Omuntu, kitegeeza bw'Aba yaddayo gye Yali, Yaddayo n'aba Ekitangaala nate. Era tumulaba nga kye Yali Pawulo we yamulabira, Yali Kitangaala.

9 Kati, abasirikale abo bonna abaali ne Pawulo Ekitangaala ekyo tebaakiraba. Kati ddala kisoboka omuntu omu okulaba Ekitangaala ekyo abalala ne batakiraba? Mazima kisobokera ddala. Kale. Ye, Pawulo, yakiraba, naye bali abalala Ekitangaala ekyo tebaakiraba.

10 Kati, Peetero bwe yali mu kkomera, tulaba nti Ekitangaala kino kyajja mu kkomera, ne kiggula enzigi. Era yali . . .

Ekitangaala ekyo kyaziba amaaso g'abakuumi bonna, bwe baali batambula, nga Peetero afuluma. Era bwe yatuuka ku luggi ne lweggulawo lwokka, mu kasirise, ne luddamu ne lweggala nga amaze okuyitawo. N'ava mu kkomera ery'omunda, n'agenda n'atuuka ku luggi olw'ebweru. Ne lweggula lwokka, ne luddamu ne lweggala mu kasirise. N'atambula n'atuuka mu luggya, n'afuluma n'agenda mu luguudo lw'e kibuga. Ne yeeyisa engalo mu maaso, nga alinga eyeebuuza nti, "Mbadde ndoota?" Teyategeera kyali kibaddewo. Naye, Malayika wa Mukama, Malayika y'omu eyali Empagi y'Omuliro eyatambuza Musa n'emutuusa ku nnyanja n'agyawulamu, ha, era Ennyanja Enfu n'e. . . Ennyanja Emmyuufu ne yeeyawulamu n'ekola ebisenge erudda n'erudda, Isiraeri n'esomoka.

11 Ne bwe baatuuka ku mugga Yoludaani ogwali gubooze, Teyavaayo kweyoleka kumulaba. Naye Yaliwo, kubanga Yagwawuzaamu. Ne basomoka mu mwezi gwa Apuli, ensenyi we zanjaalira amazzi. Era n'Aziyiza obutiti, n'Aziyiza n'omuzira okusaanuuka, kubanga tegweyongera kutumbiira waggulu; gwakoma awo. Oyo ye Yakuwa waffe. Oyo ye Mukama waffe Yesu. Byonna yabiyimiriza; ne batambulira ku ttaka ekkalu.

12 Kati, Katonda yali yasuubiza nti Yali wa kubalabirira, na bwe kityo kyali kimukakatako okutuukiriza ekisuubizo Kye. Kati, Pawulo, kubanga ebintu bino yali abimanyiiko, nga abimanyi, yali wa mukisa, kubanga Katonda yali ayogera butereevu eri Pawulo. Yali tayogera na basirikale be yali nabo. Yali ayogera eri Pawulo yekka.

13 Kati, ma—Malayika wa Mukama bwe yakka, mu nkula ey'emmunyeenye; abeetegereza entambula y'emmunyeenye, abasajja abagezigezi abaava mu Buyindi, bwe baalaba Emmunyeenye eyo ne bagigoberera, olugendo lwa mayiro bikumi na bikumi. Ate Yayita ku buli kifo we basinziira okwekaliriza eby'omu bwengula, kubanga obudde baabubalanga basinziira ku mmunyeenye. Naye tewali n'omu yalaba Mmunyeenye eyo okuggyako abasajja abagezigezi. Ha, bannange! Ekyo tekikukyamula?

14 Kati, mukiraba, Katonda takolagana na bibiina bitambulira ku nkola ya buntu. Takolagana na bibinja bya bantu. Akolagana na muntu nga ssekinnoomu. Yeebikkulira bantu kinnoomu. Era kati—kati kino okukyogera, kino si. . . Katonda amanyi omutima gwange. Kati kino sikyogera ku lwange nga omuntu, olw'okwegulumiza okugamba nti; kati, gy'ali kyokka. Naye, mubadde mukimanyi nti, Katonda y'omu oyo, Yesu y'omu oyo, ali naffe enkya ya leero? Mukimanyi nti, buli omu ku mmwe alina, ekintu ekikakasa mu kaseera kano kennyini, nti Ali wano? Era a. . . Alina ky'atukoledde mu biro byaffe bino ky'Ataakola mu biro biri ebirala; Yakkiriza n'akubibwa Ekifaananyi mu biro bino. Tukirina kiwanikiddwa *wali.* Mukiraba? Empagi y'Omuliro, Mukama waffe Yesu y'omu.

15 Kati mwekkaanye mulabe kati bw'Akola. Bw'aba nga Ye Mukama waffe Yesu y'omu, Ajja kukola ebintu bye bimu, kubanga Bayibuli egamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

16 Kati, nga Pawulo tannabaako kintu kyonna ky'ayogera, oba nga kino kyali kituufu oba si kituufu, yasooka n'agenda e Misiri n'amalayo emyaka esatu, okuzuula oba nga ddala mwekiri mu Byawandiikibwa oba nedda. Ekyo mubadde mukimanyi? Pawulo bwe yamala okukyusibwa, yagenda e Misiri n'amalayo emyaka esatu. Yabeerayo, era eyo gye yayigira amagezi gano ag'ekitalo.

17 Kati, sigezaako kubaako kintu kyonna kye ngeraageranya, naye mbalaga bulazi engeri Omwoyo Omutukuvu gy'atajjulukuka. Kati, ab'omu kkanisa yange wano mujjukira, emyaka egiyise, Malayika ono bwe yalabikanga n'abaako ebintu by'andaga. Nnali nnammwekengeramukko. Ekyo mwenna mukimanyi, mmwe abakadde ab'edda. Bw'oba . . . Ekyo bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo, bw'oba wali okiwuliddeko. Kiikyo. Mulabe, mulabe ekkanisa, ate, abo bonna bakadde abaludde wano. Mukiraba? Nnamwekengeramukko, kubanga ababuulizi baŋŋamba nti Yali ava wa ssetaani. Ate nange mu ngeri emu nnakikkiriza, naye ne nnindirira. Ssaamwogerako kintu kyonna.

18 Naye, o, Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Lumu ekiro, nga ndi emitala eri Yakka wansi, nga Malayika, n'abubikkula mu Byawandiikibwa, nti yali Ye. Era bwe nnabulaba mu Byawandikibwa, awo ne ntandika okububunya ensi yonna, Obubaka.

19 Ekyo bwe kyamala okubaawo ne wasituka ba Oral Roberts, A. A. Allen, Tommy Osborn, Tommy Hicks, n'abalala ab'enjawulo. Mukiraba? Bubaka eri abantu.

20 Era Yesu aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kiri mu Byawandiikibwa, Aba bumu. Akola kye kimu. Aba bumu. Era Akola emirimu gye gimu. Yeeyoleka mu ngeri y'emu. Era Ali wano, enkya ya leero, nga y'omu. Kati tuyinza okumulaba; tuyinza obutamulaba. Naye kyonna kye kiri, tulina obujulizi kaakano obukakasa nti Waali wano.

21 Kati, tukiraba nti, Pawulo, nga asinziira ku kintu kino ekyamutuukako, nga bw'awandiika ebbaluwa zino, nga ezisinga obungi ku zo, yaziwandiikira mu kkomera, yageraageranya Endagaano Enkadde n'Empya. Kati mujjukire nti, omuwandiisi wa Bayibuli eno eyasembayo, olw'okuluŋŋamizibwa, Katonda yakka n'amugamba nti, "Omuntu yenna bw'aligyongerako ekintu kyonna oba n'agitoolako ekintu kyonna, n'omugabo gw'omuntu oyo, guliggyibwa mu Kitabo eky'Obulamu." N'olwekyo tetuyinza kwetantala kugyongerako kintu kyonna. O, Erina kusigala nga bw'Eri, terina kugattibwaako kintu kyonna. Era tuteekwa okuwakanira buli kimu ekigirimu. Ssaagala

eyongeddwaako, ate ssaagala etooleddwaako. Njagala ekyo kyennyini ky'Egamba.

22 Kati, Ekitabo kino eky'Abaebbulaniya, ensonga lwaki nnakironze; lwa kigendererwa kimu, lwa kintu kimu kino; lwa bbaluwa eno egamba nti, "Ow'oluganda Branham omwagalwa," n'ebirala ebigirimu. Era, nja—nja, twagala tunywerere ku Kigambo.

23 Kati, essuula esooka, yali egulumiza Yesu, n'olwekyo Ye ye nsonga enkulu mu byonna. Era Pawulo yatutegeeza akawungeezi ka luli, nti Yaliwo ku lubereberye lwennyini. Era twakiraba nti Teyali mulala yenna okuggyako "Merukizeddeeki, Kabaka w'e Ssaalemi," oyo Omukulu ayogerwako mu ssuula ey'o 7.

24 Naye kati, enkya ya leero, tugenda kumulaba mu ngeri—mu ngeri endala, okuva mu ssuula ey'oku 2. Kati, Pawulo bw'amala okutuwa Obubaka buno, obukulu ennyo, obw'okugulumiza Yesu nti, "Yakola ne Bamalayika bamusinze." Ndowooza, ne wano, w'ayogerera ku nsi, nga bw'ekaddiye: "Era Aligizingako nga ekyambalo, byonna ne bisaanawo, naye Ggwe oba bumu."

25 Ne mu ssuula ey'oku 2, manyanga, olunyiriri olw'oku 2, nzikiriza we kiri nti, "Mu nnaku zino Ayogedde naffe okuyita mu Mwana We." Mulabeeyo, ne kino nti, "Mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo Yayogera okuyita mu bannabbi." Ekyo twakyogerako ne tulaba bannabbi kye baali, n'engeri Katonda gye yaleetamu Obubaka Bwe okuyita mu bannabbi. "Naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma Ayogera kuyita mu Mwana We, Yesu, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Mu biseera biri, Yayogeranga kuyita mu bannabbi." Bwe twava awo ne tuddayo ne tukiraba nti, bannabbi abo bonna baalina Omwoyo wa Kristo mu bo.

26 Twaddayo ne tulaba Yusuufu ne tukiraba nti yali ayoleka Kristo yennyini. Twaddayo ne tulaba Musa ne tukiraba nti yali ayoleka Kristo yennyini. Bwe twava awo ne tutuuka ne ku Dawudi. Era Dawudi bwe yagaanibwa mu Yerusaalemi, nga tamanyi na kumanya lwaki bamugaanye, naye n'ayambuka waggulu ku kasozi n'atunula emmanga, nga ali ku Lusozi olw'Emizeyituuni, n'akaabira Yerusaalemi kubanga yali agaaniddwa. Oluvannyuma lw'emyaka lunaana okuva ekyo lwe kyabaawo, n'Omwana wa Dawudi yagaanibwa okuba Kabaka, mu Yerusaalemi, n'atuula ku kasozi ke kamu n'akaaba. O, Omwoyo wa Kristo, nga akolagana n'abantu kinnoomu!

27 Kati, Pawulo atandika, n'agamba nti:

> *Kye kivudde kitugwanira okusinga ennyo okulowooleza ddala ebyo ebyawulirwa,. . .*

28 Essuula ey'oku 2, kati, gye tutandise.

*Kye kivudde kitugwanira okusinga ennyo okulowooleza dddala ebyo ebyawulirwa, kabekasinge. . . tuwaba ne tubivaako.*

29 O, ekyo nsaba Katonda akinnyikirize ddala mu buziba eri ekkuŋŋaaniro lino enkya ya leero. Ekyo nsaba Omwoyo Omutukuvu akinnyikirize ddala munda mu buziba bw'emitima gyammwe. "Kitugwanidde okussaayo ennyo omwoyo eri ebintu bye twawulira." Tusaanye kuba bantu ba ngeri ki, bwe tulaba Yakuwa ow'ekitalo nga akka wansi n'akola ebintu by'Akola, ne tubiraba nga bigeraageranyizibwa n'Ekyawandiikibwa ekimu n'Ekyawandiikibwa ekirala, nga ge Mazima gennyini? Naye ne tutuula butuuzi awo nga enzirugaze ku ndoddo y'omuti, nga tetwefiirayo. Kitugwanidde okuba nga tukola obutaweera, buli ddakiika, nga tugezaako okuleeta abantu eri Kristo. Tusaanidde kuba mayinja amalamu. Tetulina kuba bagayaavu nga bwe tuli. Tugenda mu kkanisa, ne tulaba Mukama waffe Yesu nga abaako ne ky'akola, oba—oba n'atuwa omukisa mu ngeri ey'ekitalo, naye ne tu—ne tufuluma ne tuddayo ne tuwoza kimu, "Lubadde lukuŋŋaana lulungi nnyo."

30 Kati, okubuulira kw'Ekigambo, tukunyumirwa, naye ate ekyo si ky'ekintu ekikulu. Si ky'ekyo. Mukama tetulina kumusinza luvannyuma lwa kubuulirwa kwa Kigambo wokka, nga bwe tutera okukola, ne tumusinza. Ekyo kirungi. Naye tusaanye okumusinza buli ssaawa ya bulamu bwaffe. Bwe tubeera ku mulimu, tusaanye tumusinze. Buli lwe walabikawo akakisa konna, sinza Mukama nga omuweera obujulizi.

Ssinga olaba, mmwe abamu ku mmwe abakyala, ssinga obaako omukazi gw'olaba nga ali mu nsobi, sinza Mukama nga omuzza ku mabbali n'omugamba nti, "Muganda wange, waliwo obulamu obusinga ku buno bw'otambuliramu."

31 Mmwe abasajja bwe mubeera eyo ku mirimu gyammwe, bw'obaako omusajja gw'owulira nga akozesa Erinnya lya Mukama mu bukyamu, kozesa akakisa webbirire mpolampola, omukwate ku mukono, omugambe nti, "Owange, waliwo obulamu obusinga ku bw'engeri eno. Tosaanidde kukozesa bigambo ebyo." Omubuulirire mu ngeri ey'obukkakkamu, ey'obuntu bulamu. Ebintu ebyo byonna kuba kusinza.

Era bwe tulaba omuntu nga mulwadde, nga omusawo agamba nti tewakyali kirala kiyinza kukolebwa, tusaanye okusinza Mukama nga tugamba omuntu oyo nti, "Waliwo Katonda ow'omu Ggulu ayanukula okusaba."

32 Era bwe tulaba ebintu ebyo nga bibaawo, ebintu bye tulaba nga bigenda mu maaso era nga bikolebwa, ebintu ebyo tetusaanye kubireka kutuyitako ne tetubaako kye tukola. Ne tubireka ne bituyuta mu ngalo. Ogwo gwe mutawaana ekkanisa y'Abapentekoote ey'ekitalo gw'erina leero. Balese ekinyusi kyennyini eky'ekibala ne kibayita mu myagaanya gy'engalo, nga

ate baakirina mu mikono gyabwe. Naye, laba kye bakoze, bakoze nga amakanisa amalala gonna. "Baddukidde mu kuwaka-. . . mu kkubo lya Koola, ne babulira; mu kkubo lya Kayini, ne babulira mu kuwakana kwa Koola."

33 Beekozeemu ebibiina ebiddukanyizibwa ku nkola ey'obuntu. Mu kifo ky'okuba n'obwa sseruganda nga fenna tuli kimu, beekozeemu bibiina bya buntu. Bakoze bibiina bya buntu na bubondo bwa nzikiriza, bwe bumerusseewo ne bumenyawo obwa sseruganda. Era bwe muteegendereza, Ababaputisiti n'Abapulesibiteriyani obwa sseruganda obwo bagenda kubwetwalira, kubanga, "Okuva mu mayinja gano Katonda asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana." Naye tu—tubulese ne butuyita mu myagaanya gy'engalo olw'obutaba bumu.

34 Abayindi baafiirwa batya eggwanga lino okutwalibwa mu mikono gy'abazungu? Kyali lwa kuba tebaali bumu. Ssinga beekolamu eggye ery'awamu. . . Naye baali mu kulwanagana bokka na bokka. Eggwanga lyabwe bandirisigazza singa bonna beegatta wamu.

35 Tugenda kukifiirwa tutya? Kubanga twekutuddekutudde. Tufiirwa tutya obumanyirivu bwaffe ne Katonda, lwa butaba bumu. Tuteekawo ebibiina, ekimu ne tukiyita *kino* ekirala ne tukiyita a—Abamesodisiti ate *kino* ne tukiyita Ababaputisiti, ne *kino* aba Assemblies, *kino* ne tukiyita aba Oneness, ne *kino* ne tubaako *ne kye tukiyita,* n'ekirala ne tukiyita ekkanisa ya Katonda, ekirala Abanazaliini, ekirala ba Pilgrim Holiness. Ne twawulayawulamu Omubiri gwa Kristo. Tetusaanye kweyawulamu n'omulundi n'ogumu. Tuyinza okwawukana mu ndowooza ez'enjawulo, naye leka tubeere baaluganda abaagalana okuviira ddala ku ntobo y'emitima gyaffe. Katonda bw'atyo bw'ayagala tubeere. Yafiirira Ekkanisa ya Katonda yonna. Era tetwagala kwekutulakutulamu.

> Kati *kye kivudde kitugwanira okusinga ennyo okulowooleza ddala. . . kabekasinge tuwaba ne tubivaako.*
>
> *Kubanga oba ng'ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera,. . .*

36 Mukiwulira? "Oba nga ekigambo ekyayogerwa bamalayika. . . " Kati, *malayika* ye "mubaka." Ekigambo *malayika* kitegeeza "omubaka." Era twakamala okukyogerako, mu kitabo ekisooka wano nti, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo, yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi." Abo be baali ababaka ba Katonda. Era baali, bwe baba baali babaka ba Katonda, kitegeeza baali bamalayika ba Katonda. Omubaka abeera malayika; kye ntegeeza malayika abeera mubaka, manyanga.

37 Omubaka! Oli mubaka, enkya ya leero. Oli. . . Ku bibiri oli mubaka ow'amawulire amalungi oba omubaka ow'amawulire

amabi. O, si kirungi nnyo, okukimanya nti tuli babaka, nti tuli bamalayika, tuli babaka ab'okuzuukira? Era tuli babaka ba Katonda eri ensi eno ejjudde ekibi, nti Kristo mulamu. Mu mitima gyaffe, Mulamu. Mu myoyo gyaffe, Mulamu. Era Atujja wansi mu bulamu obujjudde ekibi, n'atusitula waggulu, n'atuwa "aleruuya" mu mmeeme yaffe, n'atufuula ebitonde ebiggya. Tuli babaka, bamalayika ab'Endagaano. Nga kirungi nnyo!

38 Era kati, mu Ndagaano Enkadde, "Oba—oba nga ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera," mu ngeri eyo kyalinanga okusooka okukakasibwa nti kituufu. Mu Ndagaano Enkadde, ekigambo kya nnabbi bwe kyabanga tekinnalabisibwa, kyalina okusooka okwekebejjebwa n'okukakasibwa. Tebaamalanga gakikkiriza, nga bwe tukola leero.

39 Omuntu oluwuliramu okukyamuukirira okwengeri emu, oba ekintu ekirala, nga tugamba, "O, ekitiibwa kibe eri Katonda, ky'ekyo!" Awo mubeera muwubiddwa.

Bayibuli egamba, nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, ssetaani ajja kugeegeenyeza ddala Obukristaayo, era byombi biriba bifaanaganira ddala, okutuusa lwe kiririmba n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Bwe kiri. N'olwekyo, tuteekwa okukigezesa.

40 Era baakigezesanga batya mu biro byabwe? Baakozesanga Ulimu Sumimu. Ekyambalo kya Alooni eky'omu kifuba, ekyaaliko amayinja ago: kabunkulo, yasepi, alimansi, sadio, safiro. Amayinja ago gonna agaali gakiikirira okuzaalibwa kw'abakadde bano ekkumi n'ababiri, gaali mu kyambalo kya Alooni ekyo eky'omu kifuba. Era nnabbi bwe yalagulanga, amayinja ago agaali ku kyambalo ekyo eky'omu kifuba ne gavaamu Ekitangaala ekyo ekitukuvu, Katonda yabanga akakasa nti, "Ago ge Mazima." Naye ne bwe kyawulikikanga nga eky'amazima okwenkana wa, eky'omu kifuba ekyo bwe kitaavangamu kitangaala, tegaabanga Mazima. Kati, Ulimu Sumimu eyo yavaawo n'obwakabona obwo bwe bwavaawo.

41 Naye Bayibuli eno ye Ulimu Sumimu ya Katonda olwa leero. Era nnabbi bw'alagula, by'alagudde biteekwa okukwataganira ddala n'ebiri mu Bayibuli. Olwo, ne kiba nti ddala Katonda y'ayogera, ate oluvannyuma n'Ajja n'akikakasa.

42 O, nga ngulumiza Katonda olwa leero! Ndowooza ku makya ga Ssande emu agaayita, nga gano, bwe nnali nva wano ku kkuŋŋaaniro. Bwe mwali mukaaba nga munsaba nneme kugenda. Naye, lwe nnabuulira, ku Dawudi ne Goliyaasi, ne bwe kigenda okubeetaagisa okweŋŋanga ensi eri mu mbeera ey'obunnyogovu, eteefiirayo egamba nti ennaku z'ebyamagero zaakoma.

43 Nnagamba nti, "Waliwo nnaggwano omu yekka, era kasita tumutta tuti, abasigadde bajja kuddamu amaanyi." Era ekyo Mukama n'akikkiriza. Era waaliwo abantu nga Oral Roberts

ne Jaggers, n'abalala, ne tusowolayo Ekitala, ne tulwanyisa omulabe ne tumugoba mu ggwanga, ne tubuniza emimwa gyabwe. Tebakyayinza kugamba nti ebyamagero tebikolebwa, kubanga biibino wano. Mazima. Ekigambo kya Katonda Tekiggwaawo. Ekitangaala kyayaka ku Ulimu. Kyayaka ku Kigambo, ye Ulimu Sumimu Ye. Era ekitangaala bwe kyayaka ku Kigambo ekyo, kyakakasa nti kituufu.

Era eri buli muntu yenna alina ekyetaago, bw'oba oli mwonoonyi, nga oyagala kumanya bw'oyinza okulokolebwa, "Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo."

44 Leero, tulina ebintu ebiyitirivu by'olina okukola. "Olina okubaako ne by'okyusa. Olina okukola *kino* na *kiri,* okusobola okulokolebwa."

Ndowooza ku mukuumi w'ekkomera Omufiripi, omukuumi ono bwe yabuuza Pawulo nti, "Nkole ki okulokolebwa?"

Ssinga yali nze oba ggwe, twandimugambye bintu *by'atalina* kukola. "Olina okulekera awo okunywa omwenge. Olina okulekera awo o—okuzannya zaala. Olina okulekera awo okukola *kino*. Olina okulekera awo okukola *kiri.*"

Naye ebyo Pawulo si bye yamugamba. Yamugamba *by'alina* kukola. "Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, onaalokolebwa."

45 Kati, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe." Eyo ye Ulimu Sumimu nga evaamu ekitangaala, enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24. "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna." Yakobo 5:14, "Ayite abakadde, bamusiige amafuta, n'okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde." Ulimu nga evaamu ekitangaala. Mukiraba? Ekyo Kigambo kya Katonda Ekitaggwaawo.

46 Ssifaayo oba wagolokoka benkana wa abatakkiriza nti Katonda gyali, n'abakafiiri, n'abatakkiriza nti kisoboka okumanya nti Katonda gyali, n'ababuusabuusa. Katonda ajja kunywerera ku Kigambo Kye. Yasuubiza okukikola.

47 "Kye kivudde kitugwanira okussaayo ennyo omwoyo okulowooleza ddala ku bintu bino bye twawulira, kabekasinge tuwaba ne tubivaako. Kuba oba nga ekigambo ekyayogerwa bamalayika (bannabbi) kyanywera . . . " Ddala ebigambo ebyo banywera? Kino tusobola okukimalako wiiki nnamba.

48 Kyanywera Musa bwe yayogera? Weewaawo kyanywera.

Ate Eriya, bwe yali atudde ku ntikko y'olusozi? Mukama yamugamba nti, "Fuluma oyimirire waggulu ku lusozi, Eriya. Njagala kubeerako naawe; njagala kussa kimu naawe." Katonda ayagala nnyo okussa ekimu n'abantu Be. Naye tetusobola Kugumiikiriza kimala kumuwa mwagaanya kussa ekimu naffe. Buli kaseera tuba mu kwetawula, kudda eno n'eri, mu bintu eby'enjawulo. "Togeza n'oseguka Eriya, tuula okkalire." Yali

ayagala emyaka esatu n'emyezi mukaaga egy'okussa ekimu. Ffe, kizibu n'okumuwa wadde eddakiika essatu. Emyaka esatu n'emyezi mukaaga egy'okussa ekimu okwa buli lunaku. O, ekyo nkyagala nnyo! Yamugamba nti, "Teweraliikirira bya kufumba; ebyo bijja kukolebwako. Bannamuŋŋoona bajja kukuliisa. Buli kimu kijja kuba bulungi. Nze kye njagala kwe kussa ekimu naawe." Bw'atyo nnabbi ono nnamukadde, Eriya, aba atudde waggulu eyo ku ntikko y'olusozi, nga ali mu kussa kimu ne Katonda, kati, omuduumizi w'eggye ateekwa okuba yagamba nti, "Nze nzikiriza nsobola okugenda ne mmukwata ne muggyayo waggulu eyo." Kati, tekakutandanga n'ogezaako okutaataaganya okussa ekimu okwo.

49 Kale, omuduumizi w'eggye n'ayambuka, n'eggye lye eddene lya basajja, amakumi ataano. N'amugamba nti, "Nzi—nzi—nzize kukutwala, Eriya."

50 Eriya n'asituka. Weegendereze, ono nnabbi wa Mukama! N'agamba nti, "Oba nga ndi muweereza wa Mukama, leka omuliro guve mu ggulu gubookye." Omuliro ne gukka ne gubookya. Omuduumizi n'agamba . . .

51 "Ah, nedda?" Manya, Kabaka, ye yagamba nti, "Eyo erabika ya—yabadde laddu ye yabakubye, kirabika ggulu lye lyabwatuse ne libakuba. Ka nsindikeyo abalala amakumi ataano."

52 Eriya n'asituka, omu ku bamalayika, ekigambo kye kyanywera. Yalina okuwa empeera ey'ensonga olwa buli kintu ekitaakolebwa nga bwe kirina kukolebwa. N'agamba nti, "Oba nga ndi muweereza wa Mukama, leka omuliro guve mu ggulu gubookye." N'amakumi ataano amalala omuliro ne gubookya. Kale. Buli kimu kyafuna empeera!

*Kuba oba ng'ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera, na buli kyonoono* na kujeema *byaweebwa empeera ey'ensonga . . .*

53 Kati, wano we wali ekintu ekikulu, olunyiriri oluddako.

*Ffe tuliwona tutya, . . .*

54 "Ffe tuliwona tutya?" Bwe kiba nti eddoboozi lya Eriya lyaleeta okuzikiriza, kubanga yali malayika wa Mukama, ffe tuliwona tutya nga ku mulundi guno Eddoboozi lya Kristo lye lyogera? Oba, tuyinza tutya okulemwa bw'osabirwa, nga Ekigambo ekyo lye Ddoboozi lya Kristo? Kristo bw'aba yatongoza Ekkanisa Ye okubeera nga esabira abalwadde, Ekkanisa n'ekola Kye . . . yagigamba okukola, kati Kiyinza kitya okulemererwa? Tekisobola. Ggwe nga omuntu osobola okulemwa, naye Kyo tekisobola kulemwa. Era kasita oneekuuma okukola bye Kigamba, Kijja kukusomosa.

55 Bw'olemwa, olemwa ku lulwo. Ggwe aba avudde ku Kigambo. Naye kasita onywerera ku Kigambo, tekisobola

kulemererwa. Kuba oba nga ekigambo kya ba nnabbi kyakola *bino-na-biri*, Ekigambo kya Krisito tekirisingawo nnyo?

> *Ffe tuliwona tutya, bwe tulireka obulokozi obukulu obwenkana awo; obwo* obwasooka *okwogerwa* gye tuli *Mukama waffe ne bulyoka bututegeerezebwa ddala abaamuwulira;*

56 Kirowoozeeko Ekyo, ekyayogerwa Mukama waffe. Emirundi emeka gye tuyinza okuddayo emabega ne twejjukanya? Tuyinza kukoma wa, wano wennyini okumala essaawa nga nnamba? Yesu bwe yajja, abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

57 Kati, mujjukire nti, bwasooka kwogerwa Yesu, Yennyini, oluvannyuma ne bututegeerezebwa ddala abo abaamuwulira nga abwogera. Kati mumuwulirize.

58 Bwe Yajja ku nsi, Teyeeyita muwonya. Yagamba nti, "Emirimu gino si Nze agikola; wabula Kitange ali mu Nze. Y'akola emirimu gino. Omwana tayinza kukola kintu kyonna ku Bubwe, okuggyako ekyo ky'alaba Kitaawe nga akola," enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:19.

59 Mwetegereze Firipo bwe yajja gy'Ali. Nassanayiri . . . Firipo bwe yalokoka, yagenda n'ayita Nassanayiri. N'amugamba nti, "Jangu, olabe Ani gwe tuzudde: Yesu ow'e Nazaleesi, Omwana wa Yusufu."

60 Nassanayiri n'agamba nti, "Ddala waliwo akalungi konna akasobola okuva e Nazaaleesi?"

61 Firipo n'amugamba nti, "Jangu, olabe." Eyo y'engeri y'okumatira obutasigalamu kakunkuna konna: kikakase. Jangu olabe. O, ekyo kye kisinga obulungi kye nnali mpulidde. Jangu weerabireko ggwe kennyini. Toyimirira buyimirizi eri ku bbali n'otandika kukolokota, naye, "Mugezesenga ebintu byonna, era munywerezenga ddala ekyo ekirungi." Jangu olabe.

62 Ne batambula ne bagenda, nga bwe banyumya. Bwe yatuuka mu Maaso ga Mukama waffe Yesu, n'Amugamba nti, "Laba Omuyisiraeri wawu ataliimu bukuusa."

63 Kyamwesisiwaza, katono kimususumbuleko n'olususu. N'amagamaga, n'amubuuza nti, "Naye, Labbi, Wantegeerera wa? Tondabangako. Ontegedde otya?" Firipo n'agamba . . .

64 "Bwe yabadde, bwe yakuyise . . . " N'amugamba nti, "Firipo bwe yabadde tannakuyita, jjo, bwe wabadde wansi w'omutiini, Nnakulabye." Amiina.

65 Nassanayiri n'agamba nti, "Ggwe Mwana wa Katonda. Ggwe Kabaka wa Isiraeri."

66 Omukazi yajja mu Maaso Ge, n'Amugamba nti, "Genda, okime balo."

Omukazi n'agamba nti, "Ssirina baze."

67 N'amugamba nti, "Ekyo kituufu. Waakabeera na bataano, ne gw'olina kati si wuwo. Oyogedde mazima." Kirowoozeeko.

68 Omukazi n'agamba nti, "Ssebo, ndaba nga Oli Nnabbi. Kubanga, tumanyi nti Masiya bw'alijja alitubuulira ebintu byonna."

69 Yesu n'amugamba nti, "Nze Nzuuyo, ayogera naawe."

70 Omukazi n'adduka n'agenda abuulira abasajja abaali mu kibuga n'abagamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja Ambuulidde byonna bye nnakola. Ono si ye Masiya?" Kyayogerwa Mukama waffe.

71 Kiki ekyabaawo? Yesu yagamba, bwe Yali tannagenda nti, "Ebintu bye Nkola, nammwe mulibikola." Si bwe kiri? "Ebintu bye Nkola nammwe mulibikola, n'ebisinga ku bino, kubanga ŋŋenda eri Kitange." O, mbalaba nga bagenda, buli wamu wonna. Makko 16, "Ne bagenda buli wamu, nga babuulira; Mukama waffe nga akoleranga wamu nabo, nga anyweza Ekigambo."

Ne Pawulo, wuuno, ayogera ekintu kye kimu. Yagamba nti e—Enjiri yasooka kubuulirwa Yesu, oluvannyuma n'etutegeerezebwa ddala abo abaamuwulira. Eryo ly'Ejjinja ery'Omusingi. O, Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Eryo ly'Ejjinja ery'Omusingi.

72 Era okukirowoozaako obulowooza, nti kati waakayitawo emyaka enkumi bbiri. Wabaddewo abatakkiriza nti Katonda gyali, abakaafiiri, ababuusabuusa, n'abakkiriza nti tewali amanyi bifa ku Katonda. Naye, leero, Yesu y'omu oyo akakasa Ekigambo Kye mu ngeri y'emu okuyita mu abo abamuwulira. "Okumuwulira," tekitegeeza kuwulira buwulizi bubaka nga bubuulirwa. Kitegeeza, okumuwulira *Ye*. Weewaawo.

73 Tuliwona tutya? Tulisimattuka tutya? O, ogamba nti, "Bannange Katonda yeebazibwe, nze ekkanisa yange tuli Bamesodisiti. Nze ndi Mupulesibeteriyani. Nze ndi Mupentekoote." Ebyo byonna tebirina kakwate konna na Kigambo. Bwe muva awo Ekigambo kye kimu ekyo ne mukisambajja ne mukiyita "obufumu, oba okusoma birowoozo by'abantu, oba mbu ssetaani," oba ekintu eky'engeri eyo. Baswadde!

74 "Oba nga buli kigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera . . . " Yesu yagamba nti, "Si . . . Esigadde akaseera katono, ensi obutandaba nate. Naye, mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'omulembe." Kati bwe tumulaba nga akka wansi, okwongera okukakasa Ekigambo Kye, tulisimattuka tutya singa twegatta bwegassi ku kkanisa emu, oba ekibiina, oba ekibiina ky'eddiini, oba endowooza eyaffe ku bwaffe gye twegunjizaawo? Osaanye weetakkuluzeeko buli kimu. "Kubanga buli kyonoono kyaweebwanga empeera ey'ensonga olw'ebyo ebyayogerwa

bamalayika, ku mulundi guno tekiisingewo nnyo Omwana wa Katonda w'ayogerera okuva mu Ggulu, okwolesa Ekigambo Kye! Tuliwona tutya, singa tulagajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo?" O, bannange! "Era Katonda . . . "

Olunyiriri olw'oku 4:

*Era Katonda ng'ategeereza wamu nabo, . . .*

75 Mwekkaanye kino. Mukama yakakasa. O, ekyo kinsanyusa okukamala! Mukama yakakasa.

76 Mulabeeyo. Eriya bwe yali ku ntikko y'akasozi, n'agamba nti, "Oba nga ndi musajja wa Katonda, leka omuliro guve mu Ggulu gubookye." Katonda yakakasa nti *yali* musajja wa Katonda.

Katonda bulijjo akakasa. Obulamu bwo bujja kutegeeza ky'oli. Obujulizi bwo ssibumanyi, naye obulamu bwo bw'otambuliramu bwogerera waggulu nnyo, okutuusa nti n'eddoboozi lyo teriwulikika. Naye, o—obulamu bwo, obulamu bw'otambuliramu buli lunaku bujja kukakasa kiki ky'oli. Katonda akiwaako obujulizi. Weewaawo. Omwoyo Omutukuvu nvumbo, ate envumbo erabika ku njuyi z'olupapula zombiriri. Bakulaba nga oli *wano* era ne bakulaba nga ovudde wano. Si mu kkanisa mwokka naye ne ku mulimu gy'okolera. Obeera osibiddwaako envumbo ku njuyi zombi, munda ne ku ngulu. Olw'essanyu eryo ly'olina, n'olw'obulamu bw'otambuliramu, obeera osibiddwaako envumbo, munda ne ku ngulu, nga okimanyi walokolebwa nga n'ensi ekimanyi nti walokoka, olw'obulamu bw'otambuliramu, kubanga Katonda akuwaako obujulizi. Erinnya Lye Ettukuvu lyebazibwe! Bannange, mpulira nnyingidde mu mwoyo!

77 Mukirowoozeeko, ekyo, ab'oluganda. O! "Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange, teziyinza kugoberera gwe zitamanyi." Ha, mazima amannya gaffe gali ku bibatu by'emikono Gye! Gali mu maaso Ge, emisana n'ekiro. Ekigambo Kye lubeerera kiba mu maaso Ge, ekisuubizo Kye. Tasobola kukyerabira. Ate Akwagala.

78 Kati, Ajja kuwa obujulizi ku Babe. Tekijja kukwetaagisa kwasamya kamwa ko kubaako ky'oyogera, ensi ejja kukimanya nti waliwo eky'enjawulo ekikutuuseeko.

> *. . . ng'ategeereza wamu, nabo mu bubonero ne mu by'amaanyi, n'ebyamagero ebitali bimu, era ne mu birabo eby'Omwoyo Omutukuvu, nga bwe Yayagalanga yekka?*

79 Kaakano leka tufuneyo Ekyawandiikibwa ekirala kimu kyokka nga tetunnamaliriza; ku Lunaku lwa Pentekoote, bwe baafuna Omwoyo Omutukuvu. Nga wayiseewo ennaku nga nnya, Peetero yali ayitiddeko ku mulyango ogwayitibwanga Omulungi, ye ne Yokaana. Ne babaako omusajja gwe baagamba nti,

"Tutunuulire." N'amugamba nti, "Ffeeza ne zaabu sibirina, naye kye nina kye nkuwa. Mu Linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, situka otambule." Omusajja n'asitula amaaso n'abatunuulira era teyabuusabuusa n'akatono. Yasituka busitusi n'atambula. Baali basajja abatamanyi kusoma era abataayigirizibwa. Naye Bayibuli egamba nti, "Baalina okubawuliriza, kubanga baakimanya nti baaliko ne Yesu."

80 Ow'oluganda, ensi bw'emanya nti waliko ne Yesu, nga otambulira mu bulamu obutaliimu bugwaagwa bwonna mu nsi eno ey'akakyo kano ne mu kizikiza kino, ensi n'ekitegeera era n'ekiraba nti waliko ne Yesu, omukazi abadde yagwenyuka, malaaya ow'oku luguudo w'akyukira n'afuuka omukyala assibwamu ekitiibwa, nga anaaziddwa mu Musaayi gw'Omwana gw'endiga, awo Katonda abeera awa obujulizi nga akakasa nti Ye mulamu.

81 Ddira omutamiivu, waddanga akuusakuusa mukyala we, n'atuntuza abaana be, n'akwata ssente ezandibadde ez'okugula emmere awaka, n'azisaasaanyiza ku malaaya. Leka lumu asisinkane Yesu, ojja kumulaba nga addayo mu mbeera ye entuufu, nga omulalu oli eyaliko Liigyoni, nga azzeeyo mu ntegeera ye entuufu n'addamu n'okwambala, addeyo n'eri abaana be n'eri mukyala we n'eri abaagalwa be. Mazima ddala.

82 Jjuuzi wano, emyaka nga ana egiyise, amadiini g'ensi lwe gaasisinkana, bannaddiini ab'enjawulo ne basituka ne boogera. Omugoberezi wa Muhamadi n'ayogera ku lw'eddiini ya Muhamadi. Ow'enzikiriza y'Abajayini n'ayogera ku lw'enzikiriza y'Abajayini; owa Buddha n'ayogera ku lw'abagoberezi ba Buddha. Ne wabaawo n'omusawo omu omuto, erinnya lye ery'okubiri, ate linvudde mu mutwe, erinnya lye ndimanyi, naye ndyerabidde, yayogera nga akiikiridde Obukristaayo, n'ayogera ku Mukyala ayitibwa Macabeewo ow'omu ssaza lya Oklahoma, mu Amerika.

Yali mukambwe nnyo era nga yeejeeguula, okutuusa nti ne bwe baatuuka okumutta, baalemwa yadde okumukwatako, yali mugwenyufu nnyo nga avaamu ebigambo eby'obuwemu. Baamukwata nga bamuvunaana omusango: ogw'okunywa taaba; nga bw'avuga ekigaali ky'embalaasi bino ebisaabaza abantu n'emigugu; n'amenya a—a—amateeka, agagobererwa mu ssaza lya Oklahoma, bwe yayita mu luguudo, nga avuga embalaasi nnya nga zisika ekigaali. Naye yali mugwenyufu nnyo nga ayogera ebigambo eby'obuwemu okutuusa nti n'abantu baali tebaagala yadde okumusemberera; nga mugwenyufu nnyo okutuusa nti, n'abaalina okumuwanika ku kalabba, baalemwa okumutta. Baamuyiwako buyiyi kolaasi na byoya, okumutta.

Era omubuulizi ono yayogera ku mukyala oyo, buli omu n'awuniikirira, okutuusa abantu lwe baatula nga bali ku bunkenke, nga baagala okuwulira kiki ekiddako. Bwe yatuuka

we yagambira nti: yali mugwenyufu nnyo, nga mujama, ayogera ebigambo eby'obuwemu, okutuusa nti n'abakwasisa amateeka tebaayinza kwetantala kumweŋŋanga, yali mugwenyufu nnyo. Nga k'abeere ssetaani yennyini, kyenkana mu ggeyeena tayinza kukkirizaayo muntu bw'atyo, okusinziira ku ngeri omubuulizi ono gye yannyonnyola kye yali. Bwe yamaliriza kye yava abuuza nti, "Bassebo abakiikiridde amadiini agali mu nsi, ku mmwe kuliko alina eddiini erina ekintu kyonna ekisobola okulongoosa engalo za Mukyala Macabeewo?"

83 Ne wataba anyega. Kye yava akuba mu ngalo, n'abuuka mu bbanga. N'agamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Omusaayi gwa Yesu Kristo tegujja kukoma ku kulongoosa ngalo ze kyokka, naye gujja kulongoosa n'omutima gwe era gumufuule Omugole We." Nkubuulira:

> Ekisa ekyewuunyisa! nga ddoboozi ddungi nnyo,
> Ekyalokola omubi nga nze!
> Lumu nnali nnabula, naye kati yanzaawula,
> Nnali muzibe, naye kati ndaba.
>
> Ekisa kye kyayigiriza omutima gwange okutya,
> Ekisa kye kyajjawo okutya kwange;
> Nga kwali kwa muwendo nnyo okulabika kw'ekisa ekyo
> Mu kaseera lwe nnakkiririza!

84 Mazima ddala. "Tuliwona tutya, bwe tulagajjalira ekintu ekyenkanidde awo?" Bw'olekayo okulya, ojja kufa. Bw'ogaana okuweta ekkoona, ojja kutomera. Bw'ogaana okukama ente, ejja kukamiza. Bw'ogayalirira okulabirira amannyo go, gonna bajja kugakuulamu. Ddala bwe kiri. Oteekwa okusasulira obulagajjavu bwo.

85 O, Ekkuŋŋaaniro lya Branham nammwe abagenyi, ka mbeeko ne kye mbabuulira mu kaseera kano. Bw'olekayo okujulira ku kitiibwa kya Katonda, bw'olekayo okuwa Katonda ettendo n'ekitiibwa, lumu ku nnaku zino, ojja kwesanga oli munnyogovu, nga otuukiriza butuukiriza mukolo, nga n'okugwa wagwa. Wa Katonda ettendo. "Tuliwona tutya, bwe tulireka obulokozi obukulu obwenkanidde awo?"

86 Obudde buyise. Nnengedde Ow'oluganda Thom, nga ayingira. Ka tumalirize ekitundu ekisigadde tunaakimaliriza akawungeezi, Mukama nga ayagadde.

Ka tusabe okumala akaseera.

87 Kitaffe ow'omu Ggulu, Oweebwe emikisa, n'amatendo, n'ekitiibwa, n'okugulumizibwa, n'amagezi, n'obuyinza, n'amaanyi, emirembe n'emirembe. O, byonna eri Omwana gw'endiga oyo atudde ku Ntebe ey'obwakabaka, okufuga n'obwakabaka na buli kimu byonna byaweebwa mu mukono

Gwe. Bwe Yazuukira okuva mu bafu, olw'okuggyibwako omusango kwaffe, Yayogerera waggulu eri ensi n'agamba nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu Ggulu ne ku nsi mu mukono Gwange. Kale mugende, mu nsi yonna mubuulire Enjiri."

Ayi ggwe Omwana gw'endiga omwagalwa
eyatufiirira, Omusaayi Gwo ogw'omuwendo
Teguliggwamu maanyi gaagwo,
Okutuusa Ekkanisa ya Katonda yonna
eyanunulibwa
Lw'elirokolebwa, obutaddayo kwonoona nate.

88 Tuyambe, nga abaweereza, kuba tulina ebintu bingi bye tululunkanira; tuwulira tuteekwa okuba n'ekkanisa, tuteekwa okuba na *kino*, tuteekwa okuba na buli kintu.

89 Bakyala baffe, nga tebannagenda ku kkanisa, ate nga bagamba Bakristaayo, bawulira waliwo omutindo gw'olugoye gwe balina okwambala, oba okwambala ne banekaaneka.

N'ababuulizi bawulira waliwo omutemwa gwa ssente gwe balina okusooka okuweebwa okusobola okujja, era buli kimu kirina kuba *bwe kiti ne bwe kiti*.

90 Ai Kristo, bwe nsoma wano, nga "bwe baabuungeeta nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi, ne babeera mu bunnya, ne mu mpuku, ne babungeeta, nga bayigganyizibwa ebitagambika, naye era, ne bafuna Okukkiriza," wansi w'obuweereza bwa bamalayika, ffe tuliwona tutya, nga Mukama waffe Yesu atuwadde amaka amalungi, n'emmotoka, n'engoye, n'emmere, naye ne tudda mu kwemulugunya, ne tutuula butuuzi, nga tuli bagayaavu, tetugezaako yadde okubaako ne kye tukola ku nsonga eyo, ayi Katonda, tuliwona tutya?

91 O, nkusaba Okoleeze omuliro ogw'okulumirizibwa ogw'enkola eri ey'edda mu buli mutima, enkya ya leero, Mukama, abantu bagolokoke babeeko ne kye bakola ku nsonga eyo. Leka tukole nga omusana gukyayaka, kubanga mangu nnyo gujja kuba gugwa mu nnyanga. N'omutindo gw'ebintu by'ensi oguliwo gugenda kuggwaawo, era tewagenda kuba kiseera kirala. Ebiseera bigenda kubulira mu Butaggwaawo.

92 Ayi Mukama, tukusaba leero tugende n'okwolesebwa okujja, n'amagezi, n'okutegeera, okumanya engeri y'okutuukiriramu aboonoonyi n'okubaleeta eri Kristo. Wulira okusaba kw'omuweereza Wo, ayi Mukama.

93 Nsaba, bwe waba waliwo omuntu yenna wano, atamanyi Kristo nga Omulokozi we, osobola okuyimusa omukono gwo n'ogamba nti, "Nzijukira mu kusaba, Ow'oluganda Branham"? Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nzijukira mu kusaba. Njagala kubeera Mukristaayo. Ssaagala kweyongera kukigayaalirira"? Katonda akuwe omukisa, ssebo, emabega wali. Waliwo omulala yenna? Nga ogamba nti, "Nange nnyimusizza omukono gwange, Ow'oluganda Branham. Era

njagala kukkiriza Kristo, nga Omulokozi wange, ekiseera kino kyonna, mbadde nnagaana okukikola. O, ŋŋenda mu kkanisa, ddala, nnina ekkanisa mwe nsabira."

*Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okubiri 1* LUG57-0825M
(Hebrews, Chapter Two 1)
Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 25 Agusito, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org